MASAKA DIOCESE
OFFICE OF THE BISHOP
Bishop's House, P. O. Box 70, Masaka, Uganda (East Africa)

NOS AUTEM PRAEDICAMUS CHRISTUM CRUCIFIXUM

10 November 2025

Abantu ba Katonda mwenna

Masaka Diocese,

**OKUTANGAAZA: OLUNAKU LWA YEZU KABAKA N'OLWA BIIKIRA MARIA ANYOLEDDWA, MU SSAZA LY'E MASAKA**

Olunaku lw'Essaza lyaffe ery'e Masaka lubaawo ku Lunaku lwa Mukama waffe Yezu Kristu Kabaka w'ensi yonna, olumanyiddwa ng'Olunaka lwa Yezu Kabaka. Buli mwaka, ku Lunaku lwa Yezu Kabaka, ng'Essaza tukuŋŋaana ne twebungulula Omwepiskoopi waffe nga tusabira Essaza lyaffe ko n'okusanyukirako awamu ng'abaana ba Katonda ab'Essaza lino. Mu mwaka guno 2025, lutuuse leero nga 23 November.

Nga 6 July 2024, Omwepiskoopi w'Essaza lino Munsenyere Serverus Jjumba yalangirira Nnyaffe Biikira Maria Anyoleddwa okubeera Omuwolereza w'Essaza lino, Masaka. Olunaku lwa Nnyaffe Biikira Maria Anyoleddwa, oba ow'Ebibonoobono, lutuuka nga 15 September.

Mu kirangiriro, Omwepiskoopi yannyonnyola obukulu bwa Nnyaffe Biikira Maria mu makkati gaffe abagoberezi b'Omwana we ne mu butume bwaffe obw'okulangirira Evanjiri. Nnyaffe Biikira Maria yeetaba butereevu mu kubonaabona kw'omwana we okutuuka ku Musaalaba era n'ayimirira kumpi nagwo ng'omwana we agulengejjerako. Omutima gwe omuzadde yagugatta mu Kitambiro ky'omwana we era mu nnaku ey'ekitalo y'akkiriza enteekateeka ya Katonda eyo etuukirire. Biikira Maria Anyoleddwa, Munsenyere Serverus Jjumba gw'atera okwogerako nga Nnawannaku, mukubagiza w'abali mu nnaku ne mu bulumi kubanga amanyi kye bitegeeza. Okukubagiza okusingayo akukola ng'atusongera ku Mukomerere ne ku bulamu obutaggwaawo mu ggulu.

Bw'atyo Omwepiskoopi yayisa nti Olunaku lwa Biikira Maria Anyoleddwa, 15 September, buli mwaka, lukuzibwenga ku ddaala lya Lunaku Lukulu (Feast) wonna mu Ssaza ly'e Masaka. Buli Kifo kikole entereeza ey'okulukuza mu kitiibwa eyo gyebali. Mu Lutikko e Kitovu, Abakristu bayitibwenga bajje bangi okulukuza.

Oluvannyuma lw'ekirangiririro ekyo Abakristu abamu baalowooza nti olwa Yezu Kabaka terukyali lunaku lwa Ssaza, lusikiziddwa olwa Biikira Maria Anyoleddwa. NEDDA. Olwa Yezu Kabaka lwasigala nga lwe lunaku lw'Essaza. Olwa Biikira Maria Anyoleddwa lwo lwa Muwolereza w'Essaza, era lusibiddwa ku kya kusabira Ssaza lyaffe naffe okwesabira naddala nga tuyita mu buwolereza bwa Biikira Maria Anyoleddwa.

CHANCELLOR P.O. BOX 70 MASAKA MASAKA DIOCESE

Fr. Charles Jude Jjuuko

**Chancellor – Masaka Diocese**